**26th June 2016.**

# IBULAAMU WA MUKAMA KATONDA ERA MUKAMA KATONDA WA IBULAAMU.

**Lubereberye 14.**

Mu kweyongerayo kwaffe mu kusomesebwa mu kitabo ky'olubereberye era eky'entandikwa, nga bwe lwa tugererwa Musa. Leero tulaba Ssematalo eyasooka. [Olutalo oluyinza okugererwa ng'olwayitwa "Nnyina w'entalo zonna"….1990s].

Era ng'ow'oluganda Charles we yatusomesa oluwedde, mu kwaawukana kwa Ibulaamu ne Lutti, we twalagwa nga Ibulaamu bwe yamanya Katonda gwe yakkiriza, era nti mu bintu byonna bye tusalawo bwe tusalawo ku lwa Mukama, ne bwetuba ng'abali obubi, fenna tuba tugenda kuba bulungi era tubeeze n'abalala obulungi, naye bwe tusalawo ku lw'ensi n'ebyaayo tuba balabe ba Katonda nga Yakobo 4:1- 4 bwe zigamba nti…..
Na bwegutyo bwe tulaba olutalo olw'abalukawo olw'ebyenfuna…..[Tusome].

Ng'essira tulissa ku mulamwa gwaffe "IBULAAMU WA MUKAMA KATONDA ERA MUKAMA KATONDA WA IBULAAMU."[Abram of The Most High God and The Most High God of Abram.] nga tuluka essuula ey'ekkumi na ssatu wamu n'eno era n'eddako okufuna obulambukufu bw'ekifaananyi, tulaba nti abo abeewa Mukama Katonda Ow'eggulu N'ensi naye beyeeweera ddala. [Those that give themselves to the Lord God Most High are those to whom He gives Himself fully.] Era ng'ogwo gwe musingi gw'okukkiriza okusanyusa Mukama ne tufuulwa obutuukirivu gyaali olw'ekisa kye n'okwagala kwe ebiyitirivu.

Mu by'omussuula eno okusooka tulaba ng'ekyo bwe kituleetera obuwanguzi obweewuunyisa mu bulamu. Bakabaka abana baasobola okuwangula bakabaka bataano, nebanyagulula n'ensi zaabwe naye Ibulaamu Omwebbulaniya (ekiraga nti wadde yali Kanani teyeeyisa nga mu Kanani) lnny. 13 yasobola okuwangula abaali bawangudde n'abajjako n'omunyago gw'abantu n'eby'obugagga ng'ali n'abenju ye awamu n'abemikwano, nze b'ensuubira nti baali nga abatasukka awamu 600!
Ekyo kizzaamu nnyo amaanyi okweewa Mukama Katonda ayinzisa byonna.

Ekirala tulaba obwegenderevu bwe tugwaanidde okuba nabwo mu kwesembereza eby'ensi ebitusikiriza okubinyumirwa. Kubanga we twaaleka Lutti agenda kusenga kumpi ne Sodomu, ate kaakano tugambwa nti yali munda mu kibuga. Kino ne kimuleetera okuwambwa n'abenju ye awamu ne byonna ebibye. Ate bwe tweetegereza nti gyebujja ekibuga kyonna n'abaamu bisaanyizibwaawo, n'afiirwa byonna ebibye nga mw'otwaalidde ne mukazi we, gye byaggweera nga ne bawala be bakabawaze, n'amawanga agaazaalwa mw'ekyo gazikirizibwa Mukama, mazima ddala okakasiza ddala ebyatubuuliddwa mu Yakobo essuula 4, nti omukwano gw'ensi bwe bulabe bwa Mukama Katonda w'eggulu n'ensi.

Nze ŋŋamba Lutti omulundi guno yandigututte ng'okulabulwa ne yeesega Sodomu, naye addayo buzzi mu kibuga.

Mu kulaba kwaffe ensisinkano ya Ibulaamu ne Merukizeddeeki eritegeeza nti "kabaka wange mutuukirivu", eyali kabaka wa Ssaalemi (Yerusaalemi ekadde). Tulaba oyo asembeza Ibulaamu eri Mukama Katonda ali waggulu ennyo, era mu kusinza n'amuwa n'omukisa, ogukakasa obutuukirivu bw'oyo Mukama asuubiza n'atuukiriza nga bwe twaasomesebwa mu ssuula 12, kubanga byonna mu ssula eno bujulirwa bw'ebyo byonna Mukama bye yagamba Ibulaamu nti alimufuula eggwanga eddene, okumuwa omukisa n'erinnya lye alifuule kkulu, obukuumi obw'enjawulo, awamu n'okumufuula omukisa eri amawanga gonna mu nsi. Omugaati ne wayini ebyaaweebwa Ibulaamu byaalinga birabo eri ba kabaka nga bwe gwaali Yesse bwe yaweereza Daudi eri Kabaka Saulo mu I Sam.16:20.

Era ng'abaganda bwe balugera nti "okuddiza guba mwooyo", Ibulaamu yawa Merukizeddeeki ekimu ku ky'ekkumi ku byonna bye yali alina, we tukirabira olusookera ddala nti era tekyaali kikake eri Ibulaamu okkikola naye mu kusiima omukisa gwa Mukama kye yava azza eri kabona wa Mukama ekimu ku ky'ekkumi kya byonna bye yali afunye.

We tumaliriza n'okulaba ensisinkano ya Ibulaamu ne kabaka wa Sodomu erinnya Bbeera (obutali butuukirivu 'in evil').[Ekyewuunyisa nti owe Ggomola yayitibwa Bbiruusa( obugweenyufu ' in wickedness')] Bye tulaba biyitimuka mu nsi zaabwe!

Naye Bbeera bwasisinkana ne Ibulaamu agezaako okumusendasenda atwaale eby'obugagga byonna ye amuwe abantu. [Nga Sitaani bwaakola – okugaba obugagga n'atwaala emyooyo gy'abantu]. Akatego Ibulaamu keyesamba n'akateguka n'asigala ku mulamwa gw'ebyaamusuubizibwa Mukama, kabekasinge Kabaka Bbeera yeewaaniriza okugaggawaza Ibulaamu, olwo Mukama Katonda n'aweebuulwa ekitiibwa kyagwaanidde ku bubwe yekka ng'asukkulumye bonna.